# Setaani Akwatagana ne YESU

- **Waliwo obuwanguzi Obw'ekitalo ku myoyo emibi!**
- **Tosinzanga mulimba, Setaani, oba Emizimu**
- **Bonna abalina akabonero k'ensolo ku miikono oba ku byenyi byabwe basobole okugula n'okutunda basaliddwa omusango Ogw'emirembe n'emirembe**

Byategekebwa Watson Goodman

Kabwerere—Tekatundibwa

## Setaani Akwatagana ne YESU

**Setaani annyonnyolwako mu kigambo kya Katonda "ng'Omulangira w'ensi eno" ye mulabe omukulu owa Katonda eri ekitonde kya Katonda ekikulu—Omuntu. Ku babiri tulina okulondawo ani alibeera mukama waffe emirembe gyonna, KRISTO Omutonzi—nga ye Emmanweri (Katonda ali naffe) —Oba Setaani, ekitonde—omulangira w'obujeemu bwonna eri Katonda. Ng'oyita mu kufa n'okuzuukira kwe, KRISTO yawangulira ddala ku lwabo abamukkiriza mu mazima.**

**Setaani agezaako mu ngeri ezitaali zimu okulimba n'okukyamya abantu. Okusinza nsonga nkulu. Tufaanana oyo gwe tusinza. Setaani ngagezaako okuwamba abantu mu nsi yonna omulundi ogusembayo akozesa binno: (1) Okwemalirira okuva ku Katonda (2) Okusinza "Omuntu ow'ekibi" (3) Okugondera emizimu "Okusinza ekifaananyi kye" (4) n'akabonero ak'okumubiri aketaagisa olw'okutunda Oba okugula. Bino byegendereze!** **—Watson Goodman (1920-2002)**

*Katonda yatonda Lusifeeri olw'ekifo ekikulu ennyo muggulu*

. . . Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Ossa akabonero ku muwendo, ng'ojjudde amagezi, ng'otuukiridde obulungi. Wali mu Adeni olusuku lwa Katonda; buli jjinja ery'omuwendo omungi lyabanga lya kukubikkako, sadio, topazi, ne alimasi, berulo, sokamu, ne yasepi, safiro, ejjinja erya nnawandagala, ne kabunkulo, ne zaabu: emirimu egy'ebitaasa byo n'egy'endere zo gyali mu ggwe; gyategekebwa ku lunaku kwe watonderwa. Wali kerubi eyafukibwako amafuta abikkako: era nze nakusimba n'okubeera n'obeera ku lusozi lwa Katonda olutukuvu; watambula eruuyi n'eruuyi wakati mu mayinja ag'omuliro. Wali ng'otuukiridde mu makubo go okuva ku lunaku kwe watonderwa okutuusa obutali butuukirivu lwe bwalabika mu ggwe.

*Katonda yagobera ebweru ekibi*

Ezeekyeri 28:12-16

Baakujuzza wakati ekyejo olw'olufulube olw'okusuubula kwo, n'oyonoona: kyenvudde nkusuula nga nkuggya ku lusozi lwa Katonda nga nkulanga obw'onoonefu; era nkuzikirizza, ai kerubi abikkako, okuva wakati mu mayinja ag'omuliro.

# 2 KIKI EKYALEETERA LUSIFEERI OKWONOONA

Engero 16:18
Amalala gakulembera okuzikirira, n'omwoyo ogwegulumiza gukulembera ekigwo.

Ezeekyeri 28:17-19
Omutima gwo gwagulumizibwa olw'obulungi bwo, wakyamya amagezi go olw'okumasamasa kwo: nkusudde wansi, nkutadde mu maaso ga bakabaka, bakutunuulire.

*Enkomerero y'obujeemu*

Wayonoona ebifo byo ebitukuvu olw'olufulube olw'obutali butuukirivu bwo mu kusuubula kwo okutali kwa mazima; kyenvudde nziya omuliro wakati mu ggwe, gukwokezza, era nkufudde evvu ku ttaka mu maaso g'abo bonna abakutunuulira. Abo bonna abakumanyi mu mawanga balikwewuunya: ofuuse entiisa so toobengawo nate ennaku zonna.

*Buli kitonde kirina okugondera omutonzi*

Zabbuli 100:2, 3
Mumuweereze Mukama n'essanyu: Mujje mu maaso ge n'okuyimba. Mumanye nga Mukama ye Katonda: Oyo ye yatutonda, naffe tuli babe; tuli bantu be, era endiga ez'omu ddundiro lye.

# OKULANGIRIRA KWA LUSIFEERI OKW'OKWEMALIRIRA 

Ng'ogudde okuva mu ggulu, ggwe emmunyeeye ey'enkya, omwana w'enkya! ng'otemeddwa okutuuka ku ttaka, ggwe eyameg-ganga amawanga! N'oyogera mu mutima gwo nti Ndirinnya mu ggulu, ndigulumiza entebe yange okusinga emmunyeeye za Katonda; era ndituula ku lusozi olw'ekibiina, ku njuyi ez'enkomerero ez'obukiika obwa kkono: ndirinnya okusinga ebire we bikoma; ndifaanana oyo ali waggulu ennyo.

*Emirimu gy'okuzikiriza ku nsi*

Naye olissibwa emagombe, ku njuyi ez'enkomerero ez'obunnya. Abo abanaakulabanga banaakukeberanga, banaakulowoozanga, nga boogera nti Ye wunno eyakankanyanga ensi, eyanyeenyanga obwakabaka: eyazisanga ensi yonna, n'asuula ebibuga byamu; ataatanga basibe be okudda ewaabwe?

Bakabaka bonna ab'amawanga, bonna bwe benkana, beebakira mu kitiibwa, buli muntu mu nnyumba ye ye. Naye ggwe osuulibwa okukuggya mu malaalo go ng'ettabi erikyayibwa, ng'oyambadde abattibwa, abafumitibwa n'ekitala, abakka mu mayinja ag'obunnya . . . . —Isaaya 14:12-19

# OKWEMALIRIRA AWATALI KATONDA KULEETA OKUFA

*Okusookera Ku Lusifeeri*

(Laba Lusifeeri ng'agamba nti "NDI" emirundi etaano mu Isaaya 14:13, 14 Kulupapula Olw'omunaana.)

Lukka 10:18

**N'abagamba nti Nnalaba Setaani ng'avudde mu ggulu okugwa ng'okumyansa.**

*Bamalayika abagoberera Setaani*

2 Peetero 2:4

**Katonda teyasonyiwa bamalayika bwe baayonoona, naye n'abasuula mu lukonko n'abawaayo eri obunnya obw'ekizikiza, okubakuumira omusango.**

*Mu bantu abalimbibwa Setaani*

1 Timoseewo 3:6

**Si oyo eyaakakyuka, alemenga okwekulumbaza n'amala agwa mu musango gwa Setaani.**

*Muggulu muteekwa Okuberayo Okwagala kumu kwokka—Okwa Katonda Okutuukiridde*

Abaruumi 12:2

**So temufaananyizibwanga ng'emirembe gino: naye mukyusibwenga olw'okufuula amagezi gammwe amaggya, mulyoke mukemenga bwe biri Katonda by'ayagala, ebirungi, ebisanyusa, ebitufu.**

Mu ggeyeena eriyo Okwagala kwa ngeri nnyingi nga kukontana.

## KATONDA NGA BWASAANIDDE ETTENDO LYONNA

Ekyamateeka Olw'okubiri 5:6, 7

Nze Mukama Katonda wo eyakuggya mu nsi y'e Misiri, mu nnyumba y'obuddu. Tobanga na bakatonda balala we ndi.

1 Ebyomumirembe 16:29

Muwe Mukama ekitiibwa ekigwanira erinnya lye: Muleete ekiweebwayo, mujje mu maaso ge: Musinze Mukama mu bulungi obw'obutukuvu.

Matayo 4:10

Awo Yesu n'amugamba nti Vaawo genda, Setaani: kubanga kyawandiikibwa nti Osinzanga Mukama Katonda wo, era omuwerezanga yekka.

Okubikkulirwa 19:10

Ne nvuunama mu maaso g'ebigere bye okumusinza (malayika). N'aŋŋamba nti Laba tokola bw'otyo: ndi muddu munno era ow'omu baganda bo abalina okutegeeza kwa Yesu: sinza Katonda . . . .

*Abalimbidwa basinza Obujeemu*

Okubikkulirwa 13:3, 4

. . . n'ensi zonna ne zigoberera ensolo eyo nga zeewuunya; ne basinza ogusota, kubanga gwawa ensolo obuyinza bwayo, ne basinza ensolo, nga boogera nti Ani afaanana ng'ensolo? era ani ayinza okulwana nayo?

*Setaani N'emizimu baagala ettendo*

Okubikkulirwa 9:20

N'abantu abaasigalawo, abatattibwa mu bibonyoobonyo ebyo, tebeenenya mu bikolwa by'emikono gyabwe, obutasinza balubaale, n'ebifaananyi ebya zaabu n'ebya ffeeza n'eby'ebikomo n'eby'amayinja n'eby'emiti, ebitayinza kulaba newakubadde okuwulira, newakubadde okutambula.

Matayo 4:8, 9

Ate Setani n'amutwala ku lusozi oluwanvu ennyo, n'amulaga ensi za bakabaka bonna abali mu nsi, n'ekitiibwa kyazo; n'amugamba nti Ebyo byonna naabikuwa bw'onoovuunama okunsinza.

*Katonda azikiriza abasinza bwebatyo*

Okubikkulirwa 16:2 ne 20:13, 14

. . . ne wabaawo ebbwa ebbi ezibu ku bantu abalina enkovu y'ensolo, era abasinza ekifaananyi kyayo. . . . basalirwa omusango buli muntu ng'ebikolwa byabwe bwe byali. N'okufa n'Amagombe ne bisuulibwa mu nnyanja ey'omuliro. Eyo kwe kufa okw'okubiri, ennyanja ey'omuliro.

Nze Mukama; eryo lye linnya lyange: n'ekitiibwa kyange sirikiwa mulala, newakubadde ettendo lyange eri ebifaananyi ebyole. —Isaaya 42:8

*Bamalayika ba Mukama ba maanyi Okusinga bamalayika ba Sitaani abaagwa*

Mumwebaze Mukama, mmwe bamalayika be: Mmwe abazira ab'amaanyi, abatuukiriza ekigambo kye, nga muwulira eddoboozi ery'ekigambo kye. —Zab. 103:20

Okubikkulirwa 12:7, 8

Ne waba olutalo mu ggulu: Mikaeri ne bamalayika be nga batabaala okulwana n'ogusota; ogusota ne gulwana ne bamalayika baagwo; ne batayinza . . . .

*Bamalayika ba Katonda abatukuvu baweereza era bakuuma abantu ba Mukama*

Bonna si gy'emyoyo egiweereza, nga gitumibwa okuweereza olw'abo abagenda okusikira obulokozi? —Abaebbulaniya 1:14

Kubanga alikulagiririza bamalayika be, bakukuume mu makubo go gonna. —Zabbuli 91:11

*Bamalayika abaagwa (emizimu, Setaani) baamalirivu Okutwala abantu mu ggeyeena*

. . . n'aleeta badayimooni aba lala musanvu ababi okumusinga ye . . . . —Lukka 11:26

1 Timoseewo 4:1

Naye Omwoyo ayogera lwatu nti mu nnaku ez'oluvannyuma walibaawo abaliva mu kukkiriza, nga bawulira emyoyo egikyamya n'okuyigiriza kwa basetaani.

*Omuntu, yatondebwa mu kitaananyi kya Katonda*

**Awo yali ng'akyajja, dayimooni n'amusuula n'amutaagula nnyo. Naye Yesu n'aboggolera dayimooni, n'awonya omulenzi n'amuzza eri kitaawe. —Lukka 9:42**

*Kristo (Katonda mu mubiri) n'obulokozi mu njiri ye ey'obuntu bwe n'omusaayi ogw'obwa Katonda*

**Awo Kerode, bwe yalaba ng'abalaguzi baamuduulira, n'asunguwala nnyo, n'atuma okutta abaana ab'obulenzi bonna abaali e Besirekemu ne ku nsalo zaakyo zonna, abaakamala emyaka ebiri n'abatannaba kutuusa egyo, ng'ebiro bye yabuulirizaamu ennyo abalaguzi bwe byali. —Matayo 2:16**

*Ekigambo kya Katonda-Setaani akiwakanya*

**Olubereberye 3:1, 4**

**. . . Bw'atyo bwe yayogera Katonda . . . ? Omusota ne gugamba omukazi nti Okufa temulifa.**

*Eggwanga lya Katonda eddonde erya Isiraeri*

**Okubikkulirwa 12:13**

**Ogusota bwe gwalaba nga gusuuliddwa ku nsi, ne guyigganya omukazi eyazaala omwana ow'obulenzi.**

*Abakkiriza abaazalibwa omwoyo*

**. . . omulabe wammwe Setaani atambulatambula, . . . ng'anoonya gw'anaalya. —1 Peetero 5:8**

*Agegenya akabonero ak'obwannanyini*

**Okubikkulirwa 22:3, 4**

**So teribaayo nate kikolimo: n'entebe ya Katonda n'ey'Omwana gw'endiga eneebeeranga omwo: n'abaddu be banaamuweerezanga, era banaamulabanga amaaso ge; era erinnya lye linaabanga mu byenyi byabwe.**

(Laba Okugegenya kwa Setaani, ku Lupapula 35.)

*Akyamya enjiri n'obulimba*

**Nneewuunya kubanga musenguka mangu bwe muti eyabayita mu kisa kya Kristo okugenda eri enjiri efaanana obulala; si ndala, wabula abantu ababateganya, abaagala okukyusiza ddala enjiri ya Kristo. —Abaggalatiya 1:6, 7**

*Agegenya abaweereza ba Katonda*

**Kubanga abali ng'abo be batume ab'obulimba, abakozi ab'obukuusa, abeefaananya ng'abatume ba Kristo. So si kya magero; kubanga ne Setaani yeefaananya nga malayika ow'omusana. —2 Abakkolinso 11:13, 14**

*Eby'amagero bya Katonda n'ebyewunyisa eby'obulimba*

2 Bas 2:9; Kub 13:13, 14; 19:20

*Ne Setaani atwaala obuyinza abantu bwe bamusinza oba ba katonda be*

**Ai Mukama Katonda waffe, abaami abalala awali ggwe baatufuganga . . . . —Isaaya 26:13**

1 Yokaana 5:21

Abaana abato, mwekuumenga ebifaananyi.

Okuva 20:3-5

Tobanga na bakatonda balala we ndi. Teweekoleranga ekifaananyi ekyole, newakubadde ekifaananyi eky'ekintu kyonna kyonna, ekiri waggulu mu ggulu, newakkubadde ekiri wansi ku ttaka, newakubadde ekiri mu mazzi agali wansi w'ettaka: tobivuunamiranga ebyo, so tobiweerezanga.

*Bakatonda abalala ba muzizo eri Katonda. Ssadaaka zabantu zagaanibwa.*

Bik 12:2 ne 30, 31

Temulirema kuzikiriza bifo byonna amawanga ge mulirya mwe baaweererezanga bakatonda baabwe, ku nsozi empanvu, ne ku busozi, ne wansi wa buli muti omubisi: . . . weekuumenga oleme okutegebwa okugagoberera, bwe galimala okuzikirira mu maaso go; . . . Tokolanga bw'otyo Mukama Katonda wo: kubanga buli kigambo Mukama ky'ayita eky'omuzizo ky'akyawa bali baakikolanga bakatonda baabwe: kubanga ne batabani baabwe ne bawala baabwe baabookyanga omuliro eri bakatonda baabwe.

*Omusaayi gwa Kristo gunaaza ekibi*

Kubanga amazima ga Katonda baagawaanyisaamu obulimba, ne basinzanga ne baweerezanga ekitonde okusinga Omutonzi, eyeebazibwa emirembe n'emirembe. Amiina. —Abaruumi 1:25

Naye Katonda waffe ali mu ggulu: Akoze bye yayagala byonna. Ebifaananyi byabwe ye ffeeza, ye zaabu, omulimu ogw'emikono gy'abantu. Birina obu-mwa, naye tebyogera; birina amaaso, naye tebiraba; birina amatu, naye tebiwulira; birina ennyindo, naye tebiwunyiriza; birina engalo, naye tebizikwasa kintu; birina ebigere, naye tebitambula; so tebyogeza bulago bwabyo. Ababikola balibifaanana; weewaawo, buli abyesiga. —Zabbuli 115:3-8

*Okusinza ebifaananyi kwe kusinza Setaani*

1 Abakkolinso 10:14 ne 20

. . . muddukenga okusinza ebifaananyi. . . . Naye njogera ng'ab'amawanga bye bawaayo bawa eri balubaale, so si eri Katonda: nange ssaagala mmwe kubeeranga abasseekimu ne balubaale.

*Ekibonerezo ky'okusinza ebifaananyi*

Okubikkulirwa 21:8

. . . abasinza ebifaananyi, . . . omugabo gwabwe gulibeera mu nnyanja eyaka n'omuliro n'ekibiriiti; kwe kufa okw'okubiri.

## OKUSINZA EKIFAANANYI KYA (SETAANI) KATONDA YAKIGAANA

*Tolina mu nnyumba yo bifaananyi!*

Zabbuli 106:36, 37 ne 40

Ne baweereza ebifaananyi byabwe; ebyabafuukira ekyambika. Weewaawo, baawangayo batabani baabwe ne bawala baabwe eri bassetaani. . . . Obusungu bwa Mukama kyebwava bubuubuuka eri abantu be, n'atamwa obusika bwe.

Ekyamateeka Olw'okubiri 7:24-26

Era anaagabulanga bakabaka baabwe mu mukono gwo, era onoozikirizanga erinnya lyabwe okuva wansi w'eggulu: tewaabenga muntu anaayinzanga okuyimirira mu maaso go, okutuusa lw'olibazikiriza. Ebifaananyi ebyole ebya bakatonda baabwe munaabyokyanga omuliro: . . . kubanga mizizo eri Mukama Katonda wo: so toleetanga kintu kya muzizo mu nnyumba yo, naawe n'ofuuka ekyakolimirwa okufaanana nga kyo . . . .

Okuva 20:5

Tobivuunamiranga ebyo, so tobiweerezanga: kubanga nze Mukama Katonda wo ndi Katonda wa buggya, abiwalana ku baana ebibi bya bajjajja baabwe okutuusa ku mirembe egy'okubannakasatwe nekubannakana, egy'abantu abankyawa.

Omukazi omulogo tomulekanga mulamu. —Okuva 22:18

Mikka 5:12

Era ndiggyamu obulogo mu mukono gwo; so toliba na baganga nate.

1 Samwiri 15:23

Kubanga okujeema kuliŋŋanga ekibi eky'obufumu, n'obukakanyavu buliŋŋanga okusinza ebifaananyi ne baterafi. Kubanga ogaanyi ekigambo kya Mukama, naye akugaanyi okuba kabaka.

Ekyamateeka Olw'okubiri 18:9-12

Bw'olimala okutuuka mu nsi Mukama Katonda wo gy'akuwa, toyiganga kukola ng'eby'emizizo eby'amawanga gali bwe biri. Tewalabikanga gy'oli muntu yenna ayisa mu muliro mutabani we oba muwala we, newakubadde akola eby'obufumu, newakubadde alaguza ebire, newakubadde omulogo, newakubadde omuganga, newakubadde omusawo, newakubadde asamira omuzimu, newakubadde emmandwa, newakubadde abuuza abafu. Kubanga buli akola ebyo wa muzizo eri Mukama: era olw'emizizo egyo Mukama Katonda wo kyava abagoba mu maaso go.

**Eyebuza ku bafu**—Omuntu alagula eby'omu maaso nga'kolanga n'emyoyo gy'abafu era ng'akola eby'obufuusa.

## 14 OKUTEGEEZA EBYOMUMAASO NG'OYAMBIBWA SETAANI

*Katonda agaana eby'obulaguzi, eby'obulogo, n'obufumu okwesala no kwessalako obubonero ku mubiri*

Temulyanga kintu kyonna wamu n'omusaayi, so temuwanga ddogo, so temulagulanga. . . . Temwesalanga ku mubiri gwammwe olw'abafu, so temwesalangako bya buyonjo byonna: nze Mukama. —Leev. 19:26 ne 28

Malaki 3:5

Era ndibasemberera okusala omusango; era ndiba mujulirwa mwangu eri abalogo n'eri abenzi n'eri abalayira eby'obulimba.

Kubanga amayembe googedde ebitaliimu n'abalaguzi balabye obulimba; ne boogera ebirooto eby'obulimba, ne basanyusiza bwereere; kyebava bazuŋŋana ng'endiga, babonaabona kubanga tewali musumba. —Zekkaliya 10:2

*Wesige Omusumba Ow'awazima*

Yokaana 14:1

Omutima gwammwe tegweraliikiriranga: mukkirize Katonda, era nange munzikirize.

**Eby'obufumu:** Akutegeeza eby'omu maaso oba ebitamanyiddwa mu ngeri enkamu.

**Eby'obulogo:** Obufuusa Obukolebwa ng'oyambibwa emyoyo emibi.

*Okwebuuza ku baliko emizimu*

Era bwe babagambanga nti Mubuuze abo abaliko emizimu n'abafumu, abalira ng'ennyonyi era abajoboja: eggwanga tekirigwanira kubuuza Katonda waabwe? —Isaaya 8:19

*Okukozesa ebitundu by'omubiri, ebifaananyi*

Ezeekyeri 21:21

Kubanga kabaka w'e Babulooni yayimirira mu masaŋŋanzira, amakubo gombi we gasibuka, okulagulwa: yazunzazunza obusaale, ne yeebuuza ku baterafi, n'akebera ekibumba.

*Okwebuuza ku miti*

Abantu bange beebuuza ku kikonge kyabwe, n'omuggo gwabwe gwe gubabuulira: kubanga omwoyo ogw'obwenzi gubakyamizza, era bagenze nga benda okuva wansi wa Katonda waabwe. —Koseya 4:12

*Ekibonerezo eky'okwebuza ku bafumu*

1 Ebyomumirembe 10:13, 14

Bw'atyo Sawulo n'afa olw'okusobya kwe bwe yasobya Mukama, . . . era kubanga yalagulwa eri eyaliko omuzimu, okumubuulizaamu, n'atalagulwa eri Mukama.

N'abalabi balikwatibwa ensonyi, n'abalaguzi baliswala; . . . kubanga tewali kuddamu kwa Katonda. —Mikka 3:7

# ENGERI OMULANGIRA W'ENSI ENO GY'AKOLAMU

*Ab'amawanga bagoberera Obubonero ku ggulu*

Yeremiya 10:2

Bw'ati bw'ayogera Mukama nti Temuyiganga kkubo lya mawanga, so temweraliikiriranga bubonero bwa mu ggulu; kubanga amawanga gabweraliikirira.

Tewesiga nnukuta oba ebintu bikuwe "omukisa" yadde okwewayo eri ennyimba za Setaani oba ebifaananyi ebibi "**Siteekenga kintu kyonna ekitasaana mu maaso gange**" —Zabbuli 101:3. Wewale amalala, obunnanfusi n'eddiini enfu.

Matayo 23:27

**Ziribasanga mmwe, . . . bannanfuusi! kubanga mufaanana amalaalo agasiigibwa okutukula, agalabika kungulu nga gawoomye, naye munda mujjudde . . . mpitambi yonna.**

*Okwetta kuva wa Setaani*

Tokkirizanga bulimba obuva ewa Setaani oba eri emizimu nti okwetta wekka aba okwetuga kuleeta eddembe okuva mubuzibu oba mu musango! "**Tottanga**" —Okuva 20:13.

*Kristo yaagaba eddembe okuva mu musaango*

(Laba Olupapula 48 ne 49)

*Okuyita mu bannabbi ab'obulimba*

**Yeremiya 14:14**
**Awo Mukama n'alyoka aŋŋamba nti Bannabbi balagulira eby'obulimba mu linnya lyange: saabatuma so saabalagira so saayogera nabo: babalagula okwolesebwa okw'obulimba n'obulaguzi n'ekigambo ekitaliimu n'obukuusa obw'omu mutima gwabwe bo.**

*Okuyita mu kwogera n'abafu*

**2 Samwiri 12:23**
Okuva eri okubiriza kwa Katonda, Kabaka Dawudi yagamba abaana be, **"Naye kaakano ng'amaze okufa, . . . naye ye talikomawo gye ndi."**

Toyogera na myoyo mibi, Okuggyako ng'ogiragira Okugenda mu linya lya Yesu Tewesiganga ebintu, Okulaguza, ebitabo, Okusamira oba eby'obufuusa.

**"Naye Okuwangula kuva eri Mukama"** —Nge. 21:31.

*Zikiriza ebifaananyi n'ebitabo bya Setaani*

**Ebikolwa By'abatume 19:19**
**Era bangi ku bo abaakolanga eby'obufumu ne bakuŋŋaanya ebitabo byabwe, ne babyokera mu maaso gaabwe bonna.** (Soma Lub 35:2-5.)

# KRISTO YEYAKOLA OKWEGATTA KWO'MUKAZI N'OMUSAJJA — SETAANI AKUKYAMYA

*Okwegatta kw'omusajja n'omukazi kwabafumbo bokka*

Mukama Katonda n'azimba olubiriizi, lw'aggye mu muntu, okuba omukazi, n'amuleeta eri omuntu. . . . Omusajja ky'anaavanga aleka kitaawe ne nnyina, ne yeetaba ne mukazi we: nabo banaabanga omubiri gumu.
—Olubereberye 2:22 ne 24

Naye abaamala okufumbiriganwa mbalagira, so si nze wabula Mukama waffe, omukazi obutanobanga ku musajja we (naye okunoba bw'anobanga, abeerenga awo obutafumbirwanga, oba atabaganenga ne musajja we); era n'omusajja obutalekangayo mukazi we. —1 Abakkolinso 7:10, 11

Okufumbiriganwa kwa kitiibwa eri bonna, n'ekitanda kirongoofu; kubanga abakaba n'abenzi Katonda alibasalira omusango.
—Abaebbulaniya 13:4

Akola ekibi wa Setaani; kubanga okuva ku lubereberye Setaani akola ebibi. Omwana wa Katonda kyeyava alabisibwa amalewo ebikolwa bya Setaani.
—1 Yokaana 3:8

## OBWENZI N'O BUKABA BUJEEMU ERI KATONDA

Toyendanga. —Okuva 20:14

1 Abasessaloniika 4:3

Kubanga ekyo Katonda ky'ayagala, okutukuzibwa kwammwe, okwewalanga obwenzi.

N'omuntu anaayendanga ku mukazi w'omusajja omulala, anaayendanga ku mukazi wa muliraanwa we, omwenzi omusajja n'omwenzi omukazi tebalemanga kuttibwa. —Eby'abaleevi 20:10

*Ekibi kiwakanya omubiri gwo*

1 Abakkolinso 6:13, 15 ne 18

Naye omubiri si gwa bwenzi, naye gwa Mukama waffe; ne Mukama waffe avunaana omubiri: . . . Temumanyi ng'emibiri gyammwe bye bitundu bya Kristo? . . . Mwewalenga obwenzi. Buli kibi kyonna omuntu ky'akola kiri kungulu ku mubiri; naye ayenda akola ekibi ku mubiri gwe ye.

*Abazadde Okuziyiza ekibi ky'obwenzi*

Tovumisanga muwala wo, okumufuula omwenzi; ensi ereme okugoberera obwenzi, ensi n'ejjula ekibi. —Eby'abaleevi 19:29

**Obukaba:** Okwegatta kw'omukazi n'omusajja wakati wa bantu abatali bafumbo. **Obwenzi:** Omu ku bafumbo bwe yegatta n'omuntu omulala gwa tafumbiriganwanga naye.

# SETAANI YAWANGULWA OLW'OKUFA KWA KRISTO

Kuba bonna nga bwe baafiira mu Adamu, era bwe batyo mu Kristo bonna mwe balifuukira abalamu. —1 Abakkolinso 15:22

Omwana wa Katonda kyeyava alabisibwa amalewo ebikolwa bya Setaani. —1 Yokaana 3:8

Abakkolosaayi 2:15

Bwe yayambulira ddala obwami n'amasaza, n'abiwemuukiriza mu lwatu, bwe yabiwangulira ku gwo.

Abaebbulaniya 2:14, 15

Kale kubanga abaana bagatta omusaayi n'omubiri, era naye yennyini bw'atyo yagatta ebyo; olw'okufa alyoke azikirize oyo eyalina amaanyi ag'okufa, ye Setaani; era alyoke abawe eddembe abo bonna abali mu buddu obulamu bwabwe bwonna olw'entiisa y'okufa.

*Obutazikirira muffe ku lwa Kristo*

2 Timoseewo 1:9, 10

Eyatulokola n'atuyita okuyita okutukuvu, si ng'ebikolwa byaffe bwe biri, wabula okumalirira kwe ye n'ekisa bwe biri, kye twaweebwa mu Kristo Yesu emirembe n'emirembe nga teginnabaawo, naye kirabisibwa kaakano olw'okwolesebwa kw'Omulokozi waffe Kristo Yesu, eyaggyawo okufa n'amulisa obulamu n'obutazikirira olw'enjiri.

## OBUWANGUZI BWA BA KRISTAAYO KU SETAANI



1 Peetero 5:8, 9

Mutamiirukukenga, mutunulenga; omulabe wammwe Setaani atambulatambula, ng'empologoma ewuluguma, ng'anoonya gw'anaalya: oyo mumuziyizenga nga muli banywevu mu kukkiriza.

Mwambalenga ebyokulwanyisa byonna ebya Katonda, mulyoke muyinzenga okuyimirira eri enkwe za Setaani. . . . Kale muyimirirenga, nga mwesibye mu kiwato kyammwe amazima, era nga mwambadde eky'omu kifuba obutuukirivu, era nga munaanise mu bigere okweteekateeka okw'enjiri ey'emirembe; era ku ebyo byonna nga mukwatiddeko engabo ey'okukkiriza, eneebayinzisanga okuzikiza obusaale bwonna obw'omuliro obw'omubi. Muweebwe ne sseppewo ey'obulokovu, n'ekitala eky'Omwoyo, kye kigambo kya Katonda: . . . musabenga buli kiseera mu Mwoyo n'okusaba n'okwegayiriranga kwonna . . . . —Abaefeso 6:11, 14-18

1 Yokaana 4:4

Mmwe muli ba Katonda, abaana abato, era mwabawangula: kubanga ali mu mmwe (Kristo) asinga obukulu ali mu nsi (Setaani).

Lwaki Setaani adduka: Kristo nga ali mu ggwe!

*Lye ddoboozi lya Katonda*

Abaebbulaniya 1:1, 2

Katonda . . . mu nnaku zino ez'oluvannyuma yayogerera naffe mu Mwana, gwe yassaawo okuba omusika wa byonna, era gwe yatonza ebintu byonna.

Makko 1:22

Ne bawuniikirira olw'okuyigiriza kwe: kubanga yabayigiriza nga ye nnyini buyinza, so si ng'abawandiisi.

1 Abakkolinso 8:6

Naye gye tuli waliwo Katonda omu, Kitaffe, omuva byonna, naffe tuli ku bw'oyo; ne Mukama waffe omu, Yesu Kristo, abeesaawo byonna, era atubeesaawo ffe.

Yokaana 5:27

Era yamuwa obuyinza okusala omusango, kubanga ye Mwana w'omuntu.

1 Peetero 3:22

Ali ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, bwe yamala okugenda mu ggulu; bamalayika n'abalina obuyinza n'abaamasaza bwe baateekebwa wansi we.

Kubanga Kristo kyeyava afa n'abeera omulamu, alyoke abeerenga Mukama w'abafu era n'abalamu. —Abaruumi 14:9

Matayo 28:18

Yesu n'ajja n'ayogera nabo, n'agamba nti Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi.

Makko 4:39

N'azuukuka, n'aboggolera omuyaga, n'agamba ennyanja nti Sirika, teeka. Omuyaga ne gukkakkana, n'eba nteefu nnyo.

*Yawonyanga n'obuyinza*

Makko 2:10-12

Naye mumanye nga omwana w'omuntu alina obuyinza ku nsi okuggyako ebibi (n'agamba akoozimbye nti) Nkugamba, Golokoka, weetikke ekitanda kyo, oddeyo mu nnyumba yo. N'agolokoka, ne yeetikka amangu ago ekitanda, n'afuluma mu maaso gaabwe bonna; awo ne beewuunya bonna ne bagulumiza Katonda nga bagamba nti Tetulabangako bwe tuti.

*Kristo yagobanga emizimu*

Makko 1:26, 27

Dayimooni n'amutaagula n'akaaba eddoboozi ddene n'amuvaako. Ne beewuunya bonna, ne beebuuzaganya nga bagamba nti kiki kino? okuyigiriza kuggya! alagira n'obuyinza dayimooni ne bamuwulira.

*Yazuukizanga abafu n'obuyinza*

Lukka 7:14, 15

N'agamba nti Omulenzi, nkugamba nti Golokoka. Oyo eyali afudde n'agolokoka, n'atuula n'atanula okwogera. N'amuwa nnyina.

# KRISTO AWA ABAGOBEREZI BE OBUYINZA N'AMAANYI KU MAANYI G'OMULABE GONNA

Lukka 10:19

Laba, mbawadde obuyinza obw'okulinnyanga ku misota n'enjaba ez'obusagwa, n'amaanyi gonna ag'omulabe: so tewali kintu ekinaabakolanga obubi n'akatono.

Lukka 9:1

N'abayitira wamu abayigirizwa be ekkumi n'ababiri n'abawa amaanyi n'obuyinza ku badayimooni bonna n'okuwonya endwadde.

Makko 11:23

Mazima mbagamba nti Buli aligamba olusozi luno nti Sigulibbwa, osuulibwe mu nnyanja; nga tabuusabuusa mu mutima gwe naye ng'akkiriza nga ky'ayogera kikolebwa, alikiweebwa.

Yokaana 14:12

Ddala ddala mbagamba nti Akkiriza nze emirimu gye nkola nze, naye aligikola . . . .

Makko 9:23

Yesu n'amugamba nti Oba ng'oyinza! byonna biyinzika eri akkiriza.

Abaefeso 1:19

Era obukulu obusinga ennyo obw'amaanyi ge eri ffe abakkiriza bwe buli, ng'obuyinza bw'amaanyi ge bwe bukola.

*Giboggolere, giragire Okuvaamu mu linnya lya Yesu*

Makko 5:8, 9 ne 13

**Kubanga yamugamba nti Va ku muntu ono, ggwe dayimooni. N'amubuuza nti Erinnya lyo ggwe ani? N'amugamba nti Erinnya lyange Liigyoni; kubanga tuli bangi. . . . N'amukkiriza. Dayimooni n'avaamu, n'ayingira mu mbizzi . . . .**

**N'aboggolera dayimooni, n'amugamba nti Ggwe dayimooni atayogera, era omuggavu w'amatu, nze nkulagira, muveeko, tomuddiranga nate n'akatono. Awo n'akaaba, n'amutaagula nnyo, n'amuvaako; n'afaanana ng'afudde; n'okugamba abalala bangi ne bagamba nti Afudde. Naye Yesu n'amukwata ku mukono, n'amuyimusa; n'ayimirira. . . .Engeri eno teyinzika kuvaako lwa kigambo wabula olw'okusaba n'okusiiba.** —Makko 9:25-27 ne 29

Ebikolwa By'abatume 16:18

**. . . Pawulo, bwe yanakuwala ennyo, n'akyuka n'agamba dayimooni nti Nkulagira mu linnya lya Yesu Kristo omuveeko. N'amuvaako mu kiseera ekyo.**

Lukka 4:35

**Yesu n'amuboggolera ng'agamba nti Sirika, muveeko. Dayimooni bwe yamusuula wakati n'amuvaako nga tamukoze kabi.**

**Era Katonda kyeyava amugulumiza ennyo n'amuwa erinnya liri erisinga amannya gonna; buli vviivi lifukaamirirenga erinnya lya Yesu . . . . —Abafiripi 2:9, 10**

**Yokaana 14:13**

**Na buli kye munaasabanga mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga, Kitange agulumirizibwenga mu Mwana.**

Bwe nnamala okutwala omukyala n'obomu maka gange mu Afirika olw'okukkiriza okukolera Kristo, lumu ekiro nnazuukuka ng'omuzimu ogw'entiisa nga gundiko. Bwe nnaseesetula eviivi lyange nkoone ku lya gwo okukakasa obanga ddala weguli, amangwago ne gusindiika evviivi lyange n'amaanyi mangi era negujja mangu bunnambiro okunfumita. Nnalina ekiseera kya kukaaba, ebigambo bisatu byokka, nti "Yesu nnyamba!" Amangu ago ne gugenda era ekeyo tekiddangayo kuntuukako kati emyaka 28. Waliwo amaanyi agewunyisa mu linya lya Yesu Kristo ku Setaani ne ku mizimu gyonna! Kowoola erinnya lya Yesu Kristo olw'obulokozi n'okunnulibwa. (Barumi 10:13)

Omukyala omu yagamba mukyala wange nti bwe yali mu ttendekero,

omuvubuka yamutwala ku luguudo lwe ggaali yomukka—Bwe batuuka awantu, nayagala Okumutta ng'ayagala kirabike nti yattiddwa ggaali y'amukka. Bwe yamuboggolera mu linnya lya Yesu, amaanyi ne gamuggwamu. Mu maanyi ga Yesu yamukulembera Okutuuka ku ttendekero.

Omukyala omulala yategeeza mukyala wange nti mu myaka gye egy'omubuto mu ngeri ey'obusiru yaleeta ekibiina ekitegeeza ebyemikisa mu kisenge kye. Oluvannyuma lw'ekyo, emizimu gyatandika okuggyamu ebintu by'omu nnyumbaye. Mukweralikirira yagigoba mukisenge kye mu linnya lya Yesu oluvannyuma neyewerayo ddala eri Yesu Kristo.

Tosaasiranga Setaani oba emizimu. Ekigendererwa kyagyo kwe kukuzza ku luuyi lwagyo mu kifo ky'olwa Katonda. Omukristaayo omu omukulu, ng'amaze okunafuwa mu mubiri n'okutabukako omutwe yantegeeza ebintu Setaani bye yamugamba. Yakitwala nga "Okumugezesaamu" Naakiraga nti Setaani ye Mukama w'okulimba mu bantu era nga toyinza kwesiga kigambo kyagamba, Nnaboggorera Setaani mu linnya ery'amaamyi erinnya lya Yesu Kristo. Omusajja ono yagamba nti "Ndi musanyufu kubanga wazze leero" Yalabika ng'alina emirembe mu Kristo wiiki ettaano ezaddako nga tannafa.

—Watson Goodman

*Kristo ye Katonda Omutonzi*

Abakkolosaayi 1:16

Kubanga mu oyo ebintu byonna mwe byatonderwa, mu ggulu ne ku nsi, ebirabika n'ebitalabika, oba nga ntebe za bwakabaka, oba bwami, oba kufuga, oba masaza; ebintu byonna byatondebwa ye, era ne kululwe.

*Kristo agaba Omusana n'emirembe*

Lukka 1:79

Okwakira abatuula mu nzikiza, ne mu kisiikirize ky'olumbe, Okuluŋŋamya ebigere byaffe mu kkubo ery'emirembe.

*Setaani agaba ekizikiza n'okubonaabona*

Engero 4:19

Ekkubo ery'ababi liriŋŋanga ekizikiza: tebamanyi ekibeesittaza.

Lukka 16:22, 23

Awo olwatuuka omwavu n'afa, n'asitulibwa bamalayika n'assibwa mu kifuba kya Ibulayimu. N'omugagga n'afa, n'aziikibwa. N'ayimusiza amaaso ge mu Magombe ng'ali mu kulumizibwa, n'alengera Ibulayimu wala, ne Laazaalo ng'ali mu kifuba kye.

*Emizimu ne Setaani bizikiriza*

Yokaana 10:10

Omubbi tajja wabula okubba, n'okutta, n'okuzikiriza.

### *Kristo ge Mazima*

Yokaana 1:14 ne 8:31, 32

Kigambo n'afuuka omubiri, n'abeerako gye tuli (ne tulaba ekitiibwa kye, ekitiibwa ng'ekyoyo eyazaalibwa omu yekka Kitaffe), ng'ajjudde ekisa n'amazima. . . . Bwe munywerera mu kigambo kyange, nga muli bayigirizwa bange ddala; era mulitegeera amazima, n'amazima galibafuula ba ddembe. —Yok. 1:14 ne 8:31, 32

### *Kristo ajjudde Okwagala*

1 Yokaana 3:16

Ku kino kwe tutegeerera okwagala, kubanga oyo yawaayo obulamu bwe ku lwafe: naffe kitugwanira okuwangayo obulamu bwaffe ku lw'ab'oluganda.

### *Setaani ye Kitaawe ow'obulimba*

Yokaana 8:44

Mmwe muli ba kitammwe Setaani, era mwagala okukola okwegomba kwa kitammwe. Oyo okuva ku lubereberye ye mussi, so teyanywerera mu mazima, kubanga amazima tegaali mu ye. Bw'ayogera obulimba, ayogera ekiva mu bibye; kubanga ye mulimba era kitaawe w'obulimba.

### *Setaani yaleeta Obukyayi*

Yokaana 15:18

Ensi bw'ebakyawanga mumanye nga yasooka kukyawa nze nga tennaba kukyawa mmwe.

*Kristo alongoosa emmeeme*

1 Yokaana 1:7

Naye bwe tutambulira mu musana, nga ye bw'ali mu musana, tussa kimu fekka na fekka, n'omusaayi gwa Yesu Omwana we gutunaazaako ekibi kyonna.

*Kristo anunula okuva mu kibi*

Abaruumi 5:9

Kale okusinga ennyo kaakano bwe twaweebwa obutuukirivu olw'omusaayi gwe, tugenda kulokoka mu busungu ku bubwe.

*Kristo agaba Obulamu Obutaggwaawo*

Yokaana 17:3

Buno bwe bulamu obutaggwaawo, okutegeera ggwe Katonda omu ow'amazima, n'oyo gwe watuma, Yesu Kristo.

*Setaani ayonoona emmeeme*

Temulimbibwanga; Katonda tasekererwa: kubanga omuntu kyonna ky'asiga era ky'alikungula. Kubanga asigira omubiri gwe ye, alikungula mu mubiri okuvunda .... —Abaggalatiya 6:7, 8

*Setaani yemukulembeeze mu kufa okw'emirembe n'emirembe*

Matayo 13:38-40

N'eŋŋaano ey'omu nsiko be baana b'omubi; omulabe, eyagisiga ye Setaani: ... Kale ng'eŋŋaano ey'omu nsiko bw'ekuŋŋaanyizibwa n'eyokebwa mu muliro ... .Matayo 13:38-40

*Ye mulangira w'ensi eno*
Yokaana 14:30
(Yesu) Sikyayogera nnyo nate nammwe; kubanga afuga ensi ajja: naye tandiiko kigambo.

*Setaani Ye mulangira Ebintu bwe bisoba muneenye*
Yakobo 3:15, 16
Amagezi gano si ge gakka okuva waggulu, naye ga mu nsi, ga buzaaliranwa, ga Setaani. Kubanga awaba obuggya n'okuyomba, we waba okutabuka na buli kikolwa ekibi.

*Azikiriza eddembe ly'okusinza Kristo mu lwatu. Toyinza kuzikiriza okwagala okwo mu mutima eri Kristo. Kuuma okukkiriza!*

Ebikolwa By'abatume 7:59, 60
Ne bakuba amayinja Siteefano bwe yasaba n'agamba nti Mukama wange Yesu, toola omwoyo gwange. N'afukamira n'akaaba n'eddoboozi ddene nti Mukama wange, tobabalira kibi kino. Bwe yamala okwogera ebyo ne yeebaka.

*Obufuzi bw'ensi Obwa Kristo*
Okufuga kwe n'emirembe tebirikoma kweyongeranga, ku ntebe ya Dawudi, ne ku bwakabaka bwe, okubunyweza, n'okubuwanirira n'omusango n'obutuukirivu okuva leero n'emirembe n'emirembe. —Isaaya 9:7

# OMULABE WA KRISTO — OMUFUZI W'ENSI YONNA AJJA

Okubikkulirwa 13:2 ne 7

N'ogusota (Setaani) gwe gwagiwa amaanyi gaayo, n'entebe yaayo ey'obwakabaka, n'obuyinza obungi. . . . Setaani n'eweebwa obuyinza ku buli kika n'abantu n'olulimi n'eggwanga.

. . . omuntu yenna tabalimbanga mu kigambo kyonna kyonna: kubanga olunaku olwo terulijja wabula ng'okwawukana kuli kumaze kubaawo, era omuntu oli ow'okwonoona nga alimala okubikkulwa, omwana w'okuzikirira, aziyiza era eyeegulumiza okusinga buli kintu ekiyitibwa Katonda oba ekisinzibwa, n'okutuula n'atuula mu yeekaalu ya Katonda, nga yeeraga yekka nti ye Katonda. . . . Awo omujeemi oli n'alyoka abikkuka, Mukama waffe Yesu gw'alitta n'omukka ogw'omu kamwa ke, era gw'alizikiriza n'okulabisibwa kw'okujja kwe; naye okujja kw'oyo kuli mu kukola kwa Setaani n'amaanyi gonna n'obubonero n'eby'amagero eby'obulimba. —2 Bas. 2:3, 4, 8-9

Okubikkulirwa 13:4

Ne basinza ogusota, kubanga gwawa ensolo obuyinza bwayo, ne basinza ensolo, nga boogera nti Ani afaanana ng'ensolo? era ani ayinza okulwana nayo?

# OMULABE WA KRISTO ALILWAANA N'ABATUKUVU

Danyeri 7:25, 26

Era alyogera ebigambo ebibi eri Oyo Ali waggulu ennyo, era aliteganya abatukuvu b'Oyo Ali waggulu ennyo: era alirowooza okuwaanyisa ebiseera n'amateeka: era biriweebwayo mu mukono gwe okutuusa ekiseera n'ebiseera n'ekitundu ky'ekiseera lwe biriggwaawo.

Okubikkulirwa 13:5-9

. . . Obuyinza okumala emyezi amakumi ana mw'ebiri. N'eyasamya akamwa kaayo okuvvoola Katonda, okuvvoola erinnya lye, n'eweema ye, n'abatuula mu ggulu. N'eweebwa okulwana n'abatukuvu, n'okubawangula: n'eweebwa obuyinza ku buli kika n'abantu n'olulimi n'eggwanga. Era bonna abatuula mu nsi baligisinza, buli atawandiikiddwa linnya lye mu kitabo ky'obulamu eky'Omwana gw'endiga eyattibwa okuva ku kutondebwa kw'ensi. Omuntu yenna bw'aba n'okutu awulire.

Lwananga okulwana okulungi okw'okukkiriza, nywezanga obulamu obutaggwaawo, bwe wayitirwa, n'oyatula okwatula okulungi mu maaso g'abajulirwa abangi. —1 Timoseewo 6:12

# TOSINZANGA KIFAANANYI KYA MULABE WA KRISTO

*Abakulembeze abamadiini abensi yonna bayamba omulabe wa Kristo Okulimba ensi.*

Okubikkulirwa 13:14, 15 ne 19:20

N'erimba abatuula ku nsi olw'obubonero bwe yaweebwa okukola mu maaso g'ensolo; ng'egamba abatuula ku nsi, okukolera ensolo ekifaananyi, erina ekiwundu eky'ekitala n'eba nnamu. N'eweebwa okuwa ekifaananyi eky'ensolo okussa omukka, ekifaananyi eky'ensolo kiryoke kyogere, era kisse bonna abatasinza kifaananyi kya nsolo. . . . Ensolo n'ekwatibwa era wamu nayo nnabbi ow'obulimba eyakola obubonero mu maaso gaayo bwe yalimbisa abo abakkiriza enkovu y'ensolo, n'abo abasinza ekifaananyi kyayo: bombi ne basuulibwa nga balamu mu nnyanja ey'omuliro.

*Abantu ba Katonda bagaana ba katonda abalala*

Bwe kinaaba bwe kityo, Katonda waffe gwe tuweereza ayinza okutuwonya mu kikoomi ekyaka n'omuliro: era anaatuwonya mu mukono gwo, ai kabaka. Naye bwe kitaabe bwe kityo, tegeera, ai kabaka, nga tetugenda kuweereza bakatonda bo, newakubadde okusinza ekifaananyi ekya zaabu kye wayimiriza. —Danyeri 3:17, 18

Okubikkulirwa 13:16-18

N'ewaliriza bonna, abato n'abakulu, n'abagagga n'abaavu, n'ab'eddembe n'abaddu okuweebwa enkovu ku mukono gwabwe ogwa ddyo oba ku byenyi byabwe; era omuntu yenna aleme okuyinza okugula newakubadde okutunda, wabula oyo amaze okuteekebwako akabonero, erinnya ly'ensolo oba omuwendo gw'erinnya lyayo. Awo we wali amagezi. Alina okutegeera abalirire omuwendo gw'ensolo; kubanga gwe muwendo gw'omuntu: n'omuwendo gwayo Lukaaga mu nkaaga mu mukaaga [666].

*Olunaku Olulungi lujja*

. . . Bano be baava mu kubonaabona kuli okungi, ne bayoza ebyambalo byabwe, ne babitukuza mu musaayi gw'Omwana gw'endiga. Kyebavudde babeera mu maaso g'entebe ya Katonda; ne bamuweerezanga emisana n'ekiro mu yeekaalu ye: noyo atudde ku ntebe alitimba eweema ye ku bo. Tebalirumwa njala nate, so tebalirumwa nnyonta nate, so omusana tegulibookya, newakubadde okwokya kwonna: kubanga Omwana gw'endiga ali wakati w'entebe y'anaabalundanga, era alibaleeta eri enzizi ez'amazzi ag'obulamu. —Kub 7:14-17

# 36 BONNA ABASINZA OMULABE WA KRISTO OBA ABALINA AKABONERO KO KU MUBIRI GYABWE BASOBOLE OKUGULA OBA OKUTUNDA BASALIDDWA GWA KUFA

Okubikkulirwa 14:9-13

Ne malayika omulala ow'okusatu n'abagoberera, ng'ayogera n'eddoboozi ddene nti Omuntu yenna bw'asinza ensolo n'ekifaananyi kyayo, era bw'akkiriza enkovu ku kyenyi kye, oba ku mukono gwe, oyo naye alinywa ku mwenge ogw'obusungu bwa Katonda, ogufukibwa ogutatabulwamu mazzi mu kikompe eky'obusungu bwe; era alibonyaabonyezebwa mu muliro n'ekibiriiti mu maaso ga bamalayika abatukuvu ne mu maaso g'Omwana gw'endiga: n'omukka ogw'okubonyaabonyezebwa kwabwe gunyooka emirembe nemirembe; so tebalina kuwummula emisana n'ekiro abasinza ensolo n'ekfaananyi kyayo, na buli akkiriza enkovu y'erinnya lyayo. Awo we wali okugumiikiriza kw'abatukuvu, abakwata ebiragiro bya Katonda n'okukkiriza kwa Yesu. Ne mpulira eddoboozi eriva mu ggulu nga lyogera nti Wandiika nti Baweereddwa omukisa abafu abafiira mu Mukama waffe okutanula leero . . . .

# OBUWANGUZI KU KIFAANANYI N'AKABONERO KA SETAANI NG'OBUSUNGU BWA KATONDA TEBUNNAJJA KUNSI

**Okubikkulirwa 15:1, 2 ne 16:1**

**. . . bamalayika musanvu nga balina ebibonyoobonyo musanvu eby'enkomerero, kubanga mu ebyo obusungu bwa Katonda mwe butuukiririra. Ne ndaba ng'ennyanja y'endabirwamu etabuddwamu omuliro; abava eri ensolo n'ekifaanannyi kyayo n'omuwendo gw'erinnya lyayo nga bawangudde, nga bayimiridde ku nnyanja y'endabirwamu, nga balina ennanga za Katonda, . . . Ne mpulira eddoboozi eddene eriva mu yeekaalu, nga ligamba bamalayika omusanvu nti Mugende, mufuke ebibya omusanvu eby'obusungu bwa Katonda ku nsi.** (Kubikkulirwa 16-18: ebibonoobono omusanvu ebibivaamu.)

*Abajulizi abatemebwako emitwe bafuga*

**Okubikkulirwa 20:4**

**. . . n'emyoyo gyabwe abaatemwako emitwe olw'okutegeeza kwa Yesu n'olw'ekigambo kya Katonda, n'abo abatasinza nsolo newakubadde ekifaananyi kyayo, so tebakkiriza nkovu ku kyenyi kyabwe ne ku mukono gwabwe; ne baba balamu, ne bafugiranga wamu ne Kristo emyaka lukumi.**

*Setaani akuunganya amawanga Okulwana*

Kubanga gye mizimu gya balubaale, egikola obubonero; egigenda eri bakabaka b'ensi zonna, okubakuŋŋaanya eri olutalo olw'oku lunaku olukulu olwa Katonda, Omuyinza w'ebintu byonna. . . . Ne gibakuŋŋaanyiza mu kifo ekiyitibwa mu Lwebbulaniya Kalu-Magedoni. —Okub. 16:14 ne 16

*Kristo anunula ensi ye n'abantu be abalonde, Israeri*

Nti Laba, nze ndifuula Yerusaalemi ekikompe eky'okutagatta, . . . Awo olulituuka ku lunaku luli ndifuula Yerusaalemi ejjinja erizitowa eri amawanga gonna; bonna abaliryebinika balifumitibwa nnyo ebiwundu; era amawanga gonna ag'ensi galikuŋŋaana okukirwanyisa. . . .

Awo Mukama alitabaala alirwana n'amawanga gali nga bwe yalwana ku lunaku olw'olutalo. . . . Na kino kye kibonoobono Mukama ky'alirwaza amawanga gonna agalwana ne Yerusaalemi: omubiri gwabwe gulivunda nga bakyayimiridde ku bigere byabwe, n'amaaso gaabwe galivundira mu bunnya bwago, n'ennimi zaabwe zirivundira mu kamwa kaabwe. —Zek. 12:2, 3; 14:3 ne 12

Abaruumi 1:18

Kubanga obusungu bwa Katonda bubikkulibwa okuva mu ggulu ku butatya Katonda bwonna n'obutaba na butuukirivu obw'abantu abaziyiza amazima mu butaba na butuukirivu.

Ne mu kamwa ke muvaamu ekitala eky'obwogi ateme amawanga nakyo: era alibafuga n'omuggo ogw'ekyuma: era alinnya essogolero ly'omwenge gw'obusungu bw'obukambwe bwa Katonda Omuyinza w'ebintu byonna. Era alina ku kyambalo kye ne ku kisambi kye erinnya eriwandiikiddwa nti KABAKA WA BAKABAKA, ERA MUKAMA W'ABAAMI. —Kub. 19:15, 16

*Omulabe wa Kristo afuga emyaka mitono. Kristo afuga wano emyaka 1000 Olwo n'afugira ddala emirembe n'emirembe*

. . . naye banaabeeranga bakabona ba Katonda era ba Kristo, era banaafugiranga wamu naye emyaka lukumi. —Kub. 20:6

Danyeri 2:44

Era mu mirembe gya bakabaka abo, Katonda ow'eggulu alissaawo obwakabaka, obutalizikirizibwa emirembe gyonna . . . .

Amawanga gonna ge wakola galijja, galisinza mu maaso go, ai Mukama; era galigulumiza erinnya lyo. —Zabbuli 86:9

# 40 KATONDA AWANGULA SETAANI MU LUTALO

Okubikkulirwa 12:11

Nabo baamuwangula olw'omusaayi gw'Omwana gw'endiga, n'olw'ekigambo eky'okutegeeza kwabwe; ne batayagala bulamu bwabwe okutuusa okufa.

Ne waba olutalo mu ggulu: Mikaeri ne bamalayika be nga batabaala okulwana n'ogusota; ogusota ne gulwana ne bamalayika baagwo; ne batayinza, so ne watalabika kifo kyabwe nate mu ggulu. N'ogusota ogunene ne gusuulibwa, omusota ogw'edda, oguyitibwa Omulyolyomi era Setaani, omulimba w'ensi zonna; ne gusuulibwa ku nsi, ne bamalayika baagwo ne basuulibwa nagwo. Ne mpulira eddoboozi ddene mu ggulu, nga lyogera nti Kaakano obulokozi buzze n'amaanyi n'obwakabaka bwa Katonda waffe, n'obuyinza bwa Kristo we: kubanga aloopa baganda baffe yasuulibwa, abaloopa mu maaso ga Katonda waffe emisana n'ekiro. —Okubikkulirwa 12:7-10

Okubikkulirwa 20:9 ne 10

. . . omuliro ne gukka okuva mu ggulu, ne gubookya. N'omulyolyomi eyabalimbanga n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro n'ekibiriiti, era omuli ensolo ne nnabi ow'obulimba; era banaabonyaabonyezebwanga emisana n'ekiro emirembe n'emirembe.

*Kristo Mukama afuga emirembe gyonna*

1 Ebyomumirembe 29:11
Obukulu bubwo n'amaanyi n'ekitiibwa n'okuwangula n'okugulumizibwa: kubanga byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi (bibyo); obwakabaka bubwo, ai Mukama, era ogulumizibwa okuba omutwe gwa byonna.

1 Abakkolinso 15:22-26
Kuba bonna nga bwe baafiira mu Adamu, era bwe batyo mu Kristo bonna mwe balifuukira abalamu. Naye buli muntu mu kifo kye ye: Kristo gwe mwaka omubereberye; oluvannyuma aba Kristo mu kujja kwe. Enkomerero n'eryoka etuuka bw'aliwaayo obwakabaka eri Katonda ye Kitaawe; bw'aliba ng'amaze okuggyawo okufuga kwonna n'amaanyi gonna n'obuyinza. Kubanga kimugwanira okufuganga okutuusa lw'alissa abalabe be bonna wansi w'ebigere bye. Omulabe ow'enkomerero aliggibwawo, kwe kufa.

Okubikkulirwa 11:15
Malayika ow'omusanvu n'afuuwa; ne wabaawo amaloboozi amanene mu ggulu, nga boogera nti Obwakabaka bw'ensi bufuuse bwa Mukama waffe, era bwa Kristo we: era anaafuganga emirembe n'emirembe.

*Setaani ayonoona Omubiri, emmeeme n'abasajja Okwebaka n'abasajja ng'abakazi, Okutta abaana abatannazaalibwa, n'okujjura emizimu*

**Era n'abasajja bwe batyo, bwe baaleka ekikolwa eky'omukazi eky'obuzaaliranwa, ne baakanga mu kwegomba kwabwe bokka na bokka, abasajja n'abasajja nga bakolagananga ebitasaana, era nga baweebwanga mu bo bokka empeera eyo eyasaanira okwonoona kwabwe. —Abaruumi 1:27**

**Waliwo ebigambo mukaaga Mukama by'akyawa; . . . N'engalo eziyiwa omusaayi ogutaliiko musango. —Engero 6:16, 17**

**Awo agenda, n'aleeterako dayimooni abalala musanvu abamusinga obubi, nabo bwe bayingira babeera omwo: n'eby'oluvannyuma eby'omuntu oyo birisinga obubi eby'olubereberye. —Mat. 12:45**

Noonya Katonda yekka Omulamu—Tokowoola "katonda mulala" ng'oyagala okumanya eby'omu maaso, okusoma ebirowoozo, okuwonyezebwa mu mubiri oba okulunngamizibwa mu by'omwoyo.

Tewewaangayo eri okulunngamizibwa kw'omwoyo gwonna ogutali gwa Katonda. Omutukuvu akkiriza Bayibuli.

(Laba Okubikkulirwa 19:13.)

*Enjigiriza yonna ekujja mu kubo effunda ery'okusonyiyibwa, Okunaazibwa, n'okununulibwa Okuyita mu mu saayi era mubuntu bwa Kristo lya bulimba era lya bukusa*

Matayo 24:4, 5 ne 11

Yesu n'addamu n'abagamba nti Mulabe omuntu yenna tabakyamyanga. Kubanga bangi abalijja mu linnya lyange, nga bagamba nti Nze Kristo; balikyamya bangi. . . . Ne bannabbi bangi ab'obulimba balijja, balikyamya bangi.

Abafiripi 3:18, 19

Kubanga bangi abatambula be nnababuulirako emirundi emingi, ne kaakano mbabuulira nga nkaaba amaziga, nga be balabe ab'omusalaba gwa Kristo: enkomerero yaabwe kwe kuzikirira, katonda waabwe lwe lubuto . . . .

Kubanga bwe munaasonyiwanga abantu ebyonoono byabwe, Kitammwe ali mu ggulu anaabasonyiwanga nammwe. —Mat. 6:14

*Omusaayi gwa Kristo Ogw'omuwendo Omungi gununula*

1 Peetero 1:18, 19 ne 21

Nga mumanyi nga temwanunulibwa na bintu ebiggwaawo, ffeeza oba zaabu, . . . wabula n'omusaayi ogw'omuwendo omungi, ogw'omwana gw'endiga ogutaliiko bulema newakubadde ebbala, ye Kristo: . . . abakkiriza ku bubwe Katonda . . . .

*Okufugibwa n'ennono ye kibi*

Isaaya 64:6

Kubanga fenna tufuuse ng'atali mulongoofu, n'ebikolwa byaffe byonna eby'obutuukirivu biriŋŋanga ekyambalo ekikongedde: era fenna tuwotoka ng'olulagala; n'obutali butuukirivu bwaffe bututwalira ddala ng'empewo.

*Obusungu ku mwoyo w'obujeemu*

Abaefeso 2:2, 3

Bye mwatambulirangamu edda ng'emirembe egy'ensi eno bwe giri, okugobereranga omukulu w'obuyinza obw'omu bbanga, omwoyo ogukolera kaakano mu baana abatawulira; era naffe fenna be twatambulirangamu edda mu kwegomba kw'omubiri gwaffe, nga tukolanga omubiri n'ebirowoozo bye byagala, ne tubeeranga olw'obuzaaliranwa abaana b'obusungu, nga n'abalala.

*Setaani ye Mukama wa batali balokole*

2 Abakkolinso 4:3, 4

Naye okubikkibwako oba ng'enjiri yaffe ebikkibwako, ebikkibwako mu abo ababula: katonda ow'emirembe gino be yaziba amaaso g'amagezi gaabwe abatakkiriza, omusana gw'enjiri ey'ekitiibwa eya Kristo, oyo kye kifaananyi kya Katonda, gulemenga okubaakira.

Ennimiro ye nsi; ensigo ennungi, abo be baana b'obwakabaka; n'eŋŋaano ey'omu nsiko be baana b'omubi. —Matayo 13:38

Yokaana 8:44

Mmwe muli ba kitammwe Setaani, era mwagala okukola okwegomba kwa kitammwe.

*Mu Adamu, Tujeemera Katonda*

Matayo 12:30

Omuntu atabeera nange mulabe wange; era omuntu atakuŋŋaanyiza wamu nange asaasaanya.

*Eno y'ensonga lwaki tulina okuzaalibwa obuggya omwoyo wa Kristo*

2 Abakkolinso 5:17

Omuntu yenna bw'aba mu Kristo kyava abeera ekitonde ekiggya: eby'edda nga biweddewo; laba, nga bifuuse biggya.

Yokaana 10:27, 28

Endiga zange ziwulira eddoboozi lyange, nange nzitegeera, era zingoberera; nange nziwa obulamu obutaggwawo . . . .

*Weweyo eri Mukama Yesu kaakano*

2 Abakkolinso 6:2

. . . laba, kaakano bye biro eby'okukkirizibwamu; laba, kaakano lwe lunaku olw'obulokozi.

Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu. —1 Yokaana 1:9

Abaruumi 8:35 ne 37

Ani alitwawukanya n'okwagala kwa Kristo? kulaba nnaku, oba kulumwa, oba kuyigganyizibwa, oba njala, oba kuba bwereere, oba kabi, oba kitala? . . . Naye mu ebyo byonna tuwangudde n'okukirawo ku bw'oyo eyatwagala.

1 Yokaana 5:4

Kubanga buli ekyazaalibwa Katonda kiwangula ensi; era kuno kwe kuwangula okwawangula ensi, okukkiriza kwaffe.

*Awa empeera abo abawangula*

Okubikkulirwa 2:17

Alina okutu awulire Omwoyo ky'agamba ekkanisa. Awangula ndimuwa ku maanu eyakwekebwa, era ndimuwa ejjinja ejjeru, era ku jjinja kuwandiikiddwako erinnya eriggya, omuntu yenna ly'atamanyi wabula aweebwa.

Okubikkulirwa 2:26

Era awangula n'akwatanga ebikolwa byange okutuusa ku nkomerero, oyo ndimuwa amaanyi ku mawanga.

*Oli wa muwendo nnyo eri Katonda.*
*Kino kyakakasibwa e' Gologosa!*
*Katonda wa mugaso nnyo gyoli!*

2 Abakkolinso 3:5

Si kubanga fekka tulina obuyinza, okulowooza ekigambo kyonna ng'ekiva gye tuli; naye obuyinza bwaffe buva eri Katonda.

*Labika ne Kristo mu kitiibwa*

Abakkolosaayi 3:1, 2 ne 4-6

Kale oba nga mwazuukirira wamu ne Kristo, munoonyenga ebiri waggulu, Kristo gy'ali ng'atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda. Mulowoozenga ebiri waggulu, so si ebiri ku nsi. . . . Kristo, obulamu bwaffe, bw'alirabisibwa, era nammwe ne mulyoka mulabisibwa wamu naye mu kitiibwa. Kale mufiise ebitundu byammwe ebiri ku nsi; obwenzi, obugwagwa, okwegomba okw'ensonyi, omululu omubi, n'okuyaayaana, kwe kusinza ebifaananyi; olw'ebyo obusungu bwa Katonda bujja ku baana abatawulira.

*Oba kolimirwa ne Setaani emirembe gyonna*

Matayo 25:41

Awo alibagamba n'abo abali ku mukono gwe ogwa kkono nti Muveewo we ndi, mmwe abaakolimirwa, mugende mu muliro ogutaggwaawo ogwateekerwateekerwa Setaani ne bamalayika be.

Zabbuli 9:17

Ababi balidda mu magombe. Ge mawanga gonna ageerabira Katonda.

*Wetowaaze Wekka*

Matayo 18:2-4

N'ayita omwana omuto, n'amuyimiriza wakati waabwe, n'agamba nti Mazima mbagamba nti Bwe mutakyuka okufuuka ng'abaana abato, temuliyingira n'akatono mu bwakabaka obw'omu ggulu. Kale buli eyeewombeeka ng'omwana ono omuto, ye mukulu mu bwakabaka obw'omu ggulu.

*Wenenye Ekibi*

Makko 1:4 ne 14, 15

Yokaana yajja eyabatiza mu ddungu n'abuulira okubatizibwa okw'okwenenya olw'okuggibwako ebibi. . . . Awo oluvannyuma Yokaana ng'amaze okuweebwayo, Yesu n'ajja e Ggaliraaya, ng'abuulira enjiri ya Katonda, ng'agamba nti Ekiseera kituuse, obwakabaka bwa Katonda busembedde, mwenenye, mukkirize enjiri.

Lukka 13:3

Mbagamba nti Si bwe kityo: naye bwe muteenenya, mulizikirira mwenna bwe mutyo.

Ebikolwa By'abatume 3:19

Kale mwenenye mukyuke, ebibi byammwe bisangulibwe, ebiro eby'okuwummuzibwa mu maaso ga Mukama bituuke.

(Byeyongerayo ku lupapula Oluddirira.)

# SEMBEZA KRISTO NG'OMULOKOZIWO LEERO

### *Weweeyo eri Yesu Kristo*

**Olugendo lwo oluyiringisizenga ku Mukama; era weesigenga oyo, naye anaakituukirizanga. —Zabbuli 37:5**

**Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo. —Yokaana 3:16**

**Ne bagamba nti Kkiriza Mukama waffe Yesu, onoolokoka ggwe n'ennyumba yo.**
**—Ebikoiwa By'abatume 16:31**

### *Katonda agaba obuyinza Okufuuka abaana be*

**Naye bonna abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda, be bakkiriza erinnya lye:. . . Emirembe mbalekera; emirembe gyange ngibawa. —Yok. 1:12 ne 14:27**

### *Yatula Kristo mu lwatu*

**Kubanga bw'oyatula Yesu nga ye Mukama n'akamwa ko, n'okkiriza mu mutima gwo nti Katonda yamuzuukiza mu bafu, olirokoka: kubanga omuntu akkiriza nsa mutima okuweebwa obutuukirivu, era ayatula na kamwa okulokoka. Kubanga ebyawandiikibwa byogera nti Buli amukkiriza talikwasibwa nsonyi. —Abaruumi 10:9-11**

Text reprinted from the Bible in Luganda by permission of United Bible Societies, Africa Regional Center, Nairobi, Kenya.

---

Published in numerous languages by World Missionary Press as God supplies funds in answer to prayer. If you would like more copies for careful distribution, please write in English to:

**World Missionary Press, Inc.**
**P.O. Box 120**
**New Paris, IN 46553-0120 USA**

www.wmpress.org 2-15 1408 Luganda SVC